

ENYANJULA

# OKUDDAMU OKWETEGEREZA MU BUFUNZE

Nze Yakobo, omuddu wa Katonda ne Mukama waffe Yesu Kristo, mpandiikira ebika ekkumi n'ebibiri ebyasaasaana, nga mbalamusa. Baganda bange, mulowoozenga byonna okuba essanyu, bwe mukemebwanga mu ngeri ezitali zimu 3nga mumanyi ng'okugezesebwa kw'okukkiriza kwammmwe kuleeta okugumiikiriza. 4Omulimu gw'okugumiikiriza bwe gutuukirira, ne mulyoka mufuuka abatuukiridde era abakulidde ddala mu mwoyo, nga temulina kibabulako. (Yakobo 1:1-4)

**Ennono = “Tobuuzwa lwaki, buuzwa kiki.”**

**Ebibuuzo ebisatu ebya “Kiki” abawangula byebabuuzwa:**

1. Kiki kye ninako obuyinza ng'ensi yange etabusetabuse?
2. kiki kyenina okukola okusobola okuwangula olwaleero?
3. Nina ssuubi ki eri olw'enkya?

**Eky'okuddamu = Obuyinza bwa Katonda + obulungi = Ajja kutwala embeera zange ezisinga obubi era azikozese kulw'obulungi bwange singa nnamwesiga era n'ensigala ku lugendo lw'okukula mu mwoyo.**

1. **Ekizibu – oluusi “tuwagamira” mu bulumi bwaffe.**
2. **Eky'okuddamu – Katonda asuubiza obuyambi eri abo “abasibiddwa.”**

Naye obanga omuntu yenna ku mmwe aweebuka mu magezi, asabenga Katonda agabira bonna atakayuka, galimuweebwa. Kyokka amusabenga mu kukkiriza, nga tabuusabuusa, kubanga oyo abuusabuusa ali ng'ejjengo ery'oku nnyanja erisundibwa empewo. Omuntu ng'oyo bw'atasaba na kukkiriza tasuubira Mukama kumuwaayo kintu kyonna. Kubanga omuntu ow'emyoyo ebiri, buli gy'adda tanywererayo. (Yakobo 1:5-8)

- Katonda ky'atuwa = AMAGEZI ag'obwa Katonda
- Obuvunaanyizibwa bwaffe = Kwe KUMUSABA
- Endowooza ya Katonda nga tuzze gyali = okuba ABAGGUFU ERA ABAGABI

3. **Akakwakkulizo akamu – Tufuna amagezi ga Katonda bwe “tusaba mu kukkiriza, awatali kubuusabuusa kwonna.”**

- “Okusaba mu kukkiriza” kitegeeza...

- “Awatali kubuusabuusa” kitegeeza...

## MU KUWUMBABWUMBA – EBINTU BINA BYOLINA OKUKOLA OKWEJJA MU BUNYA

1. Kkiriza nti owagamidde.
2. Kkiriza nti tosobola kukikola ku lulwo.
3. Saba katonda akuwe amagezi g'obwa Katonda.
4. Beera mwetegefu okukola buli kimu amagezi ga Katonda kyegakugamba okukola.

## EBIBUZO EBYOKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO

1. “Amagezi” kyekki Okusenziira ku Byawandiikibwa? Kyawukana kitya ku ndowooza yaffe eya bulijjo n'engeri gye tukozesaamu ekigambo kino?
2. Biki byetuzuula mu kyawandiikibwa kino ebitulaga okusaasira n'okutegeera kwa Katonda ku nsonga y'okuwagamira wakati mukusoomoza kwetuyitamu?
3. Kubaganya ebirowoozo ku kakwakkulizo akamu akeetaagisa okufuna ekirabo kino eky'amagezi ag'obwa Katonda okusobola okukola okuyita mu bulumi obujjira mu kusomooza kwaffe. (kebera – Yokaana 7:17, Abaruumi 12:1)
4. Ddaala ki ly'ogenda okwetaaga okutwala okusobola okufuna amagezi Katonda g'asuubiza okukuwa mu mbeera gy'olimu kati?